

**1<sup>st</sup> March 2015.**

## **OBUJULIRWA OBW'OMUKWANO.**

### **Yokaana 1:35 – 51.**

Nga tumaze okulaba obujulirwa obwasooka, Yokaana Omutume bwe yawa, obwo obwa Yokaana omubatiza, ng'alutugerera, mu nnaku ssatu, nga bwe gwaali eri ebibinja bisatu, era mu ngeri ssatu, nti;- Waali ; Mu mulabe ; Mu mugoberere.

Leero, tugenda kulaba obujulirwa obwaweebwa abo beyasooka okuyita okumuba okumpi, abafuuka abayigirizwa be ab'okumuganjo, era abafuuka abatume be oluvannyuma, ng'esikiriza y'okwatula kw'obujulirwa bwabwe yali mukwano gwe baafuna mu nsisinkano zaabwe ne Yesu.

Obujulizi bwe tuweebwa mu byawandiikibwa bya leero, mu basajja abataano abamusisinkana buli;-

1. Nny. 35 – 37 – Omwana gw'Endiga wa Katonda.
2. Nny. 38 – Labbi – Omuyigiriza ( Tasomesa busomesa, ayigiriza)
3. Nny. 41 – Masiya [ Mu lw'ebbulaniya Afukiddwaako amafuta, Kristo mu luyonaani – abeera Kabaka, Kabona, Nnabbi].... Yesu yali byonna.
4. Nny.42 - Ye Mukama ow'obuyinza akyuusa abantu okuba mu kwagala kwe.
5. Nny. 45 – Y'oyo endagaano enkadde gwe yogerako. (Obunnabi obusoba mu bisatu, ebifaananyi by'ensiinza, n'ebirala.)
6. Nny. 45 - Mutabani wa Yusufu ow'e Nazaleesi. ( Obutali butuukirivu bw'obujulizi bwaffe.....)
7. Nny. 47,48 – Omumanya wa byonna. [ Baeb. 4:12,13]
8. Nny. 49 - Omwana wa Katonda.
9. Nny. 49 - Kabaka wa Isirayili.
10. Nny. 51 – Olutindo lw'eggulu n'ensi.

Emikwaano gireeta emikwaano eri Yesu.

Enyanjula z'enjawulo, z'olesa obwaawufu bw'entabagana z'assekinnoomu buli omu gye yalina ne Yesu....

Tosobola kumanya yesu ng'omulokozi n'otamugoberera nga Mukama wo.

Ekiruubirirwa kya buli muyigiriza kwe kufuula abalala abayigirizwa ba Yesu ssi ye.

Yesu ffenna yatuwa obutume mu Matayo 28:18 – 19.....

Ekyaaliwo mu Yokaana 4. Nny.29...,30...39 – 42.